# Ku lw'erinnya lya Allah omusaasizi ennyo ow'ekisa ekingi

شركاء التنفيذ:

دار الإسلام جمعية الربوة رواد الترجمة المحتوى الإسلامي

يتاح طباعة هذا الإصدار ونشره بأي وسيلة مع

الالتزام بالإشارة إلى المصدر وعدم التغيير في النص.

Telephone: +966114454900

ceo@rabwah.sa

P.O.BOX: 29465

RIYADH: 11557

www.islamhouse.com

# Qur'an ey'ekitiibwa kyekki?

Qur'an ey'ekitiibwa: by'ebigambo bya Allah omutonzi era omulezi w'ebitonde byonna, byeyassa ku w'enkomerero mu bannabbi n'ababaka [ayitibwa] Muhammad okusaasira n'emirembe bibeere ku yye annyonnyole abantu ekigenderewa mukutondebwa kwabwe, n'okubaluŋŋamya eri okwesiima kwabwe ku nsi neku nkomerero, n'okubataasa okubonaabona okwolubeerera oluvannyuma lw'okufa, era nga ky'ekitabo ekyasembayo okukka mu bitabo eby'obwakatonda, nga kibikakasa, era nga kisangula amateeka gaabyo.

Era Qur'an ey'ekitiibwa kabonero era kyamagero eky'olubeerera, era nga bujulizi obulaga nti Muhammad -okusaasira n'emirembe bibeere kuyye- mubaka wa Allah, Allah yasoomooza abantu n'amajinni baleeteyo ekiringa ekitabo Qur'an nebweeba ssuula emu, nekibalema.

tekikyusibwangamuuko wadde okuwaanyisa [ebigambo byakyo nebisikizibwa ebirala] okuva wekyakkira: emyaaka egisoba mu 1400 emabega, era kijja kusigala n'obukuumi mu lulimi oluwarabu mwekyakkira, kuba Allah eyayawukana era owa waggulu yeeyimirira okukikuuma okutuusa ku mulembe ogulisembayo.

era Qur'an ey'ekitiibwa y'ensibuko enkulu ey'obusiraamu, era ye ssemateeka ateekateeka obulamu bw'omuntu n'okubulamula mu buli kiseera nabuli kifo, ekoowoola okudda eri okusinza omutonzi yekka, era ennyonyola omuntu byeyeetaaga [okusobola] okumanya omulezi we n'eddiini ye, n'entandikwa y'okutondebwa kw'ensi, n'emitendera gy'okutondebwa kw'omuntu, era ewa amawulire ku byekweese ebyayita n'ebijja mumaaso, n'ebyafaayo bya ba nnabbi abaasooka; emirembe gibeere ku bbo, na butya Allah bweyabataasa era n'azikiriza abalabe baabwe, era mwemuli n'ebikolo by'ensinza wamu n'ebyenkolagana wakati w'abantu, n'okukoowoola okudda eri empisa ez'ettendo ate n'okwewaza empisa ezivumiririrwa, [mulimu] n'obuddo bw'omuntu ku [lunaku lw'e] nkomerero; nti bwa jjana; ennyumba y'abakkiriza, oba omuliro; ennyumba y'abalyazaamaanyi n'abakaafiiri (abatali basiraamu).

era olw'obukulu bw'ekitabo kino ekigulumivu; ekyo Allah kyeyassa mu lulimi oluwarabu, nalagira kituusibwe eri abantu bonna; kituwa essanyu -owange ggwe omusomi ow'ekitiibwa- okukutuusaako okuvvuunula amakulu gaayo mu lulimi lwo, okusobola okugonza mu kugitegeera n'okufuba okugisaasaanya, era ekibinja ky'abakozi kitaddemu amaanyi okutegeera amakulu gaayo

n'okugivvuunula, awamu n'okumanya okukakafu nti okuvvuunula nebwekwekakasibwa kutya, era kusigala kukendeevu mu kuggyayo amakulu amazito gennyini agategeezebwa ebigambo bya Qur'an ey'ekitiibwa ey'amagero; eyo eri waggulu wa buli ekikolebwa abantu. Era yenna ayagala okufuna ebisiingawo ku by'amazima Qur'an ey'ekitiibwa bye yajja nabyo; tumulaamira okuyiga olulimi oluwarabu [Qur'an] mweyakkira.

era emirembe gibeere ku babaka, n'amatendo ga Allah omulezi w'ebitonde.

Mawusu`atu Al-Quran alkariim

www.quranenc.com

kituwa essanyu okufuna endowooza zammwe n'okuwabula kwammwe okusobola okwongera omutindo mu kuvvuunula nga oyitira mu kadirisa k'ebirowoozo akali mumaaso ga buli ‘aaya’ ku kibanja ky'omutimbagano (‘website’) gwa Mawusu`atu Al-quran alkariim (www.quranenc.com), ate bw'oba weetaaze okuwuliziganya naffe osobola okutuwandiikira nga oyita ku ‘imeyiro’ (‘email’):  info@quranenc.com